## ASSE BBA E MASAKA

POLIISI e Masaka eyigga omukazi agambibwa okufumita bba ekiso n'amutta. Vincent Mirembe 38, ow'e Mizinga mu Kitengeesa Ward mu divizoni y'e Nyendo - Mukungwe e Masaka ye yattiddwa. Abadde avuga booda ku siteegi ya Agip mu kibuga Masaka. Omwogezi wa Poliisi e Masaka, Twaha Kasirye, agambye nti, mwannyina w'omugenzi, Ritah Nakiruuta ye yategeezezza aba ffamire ne poliisi, Vincent n'addusibwa mu ddwaaliro e Masaka gy'afiiridde. Agasseeko nti, omulambo baagwekebezze ne baguwa abooluganda okuziika nga bwe bayigga mukyala we.

## BAKUTTE SSENTEBE E NATEETE